Bya PETER SSUUNA

# Ab'e Wakaliga beeraliikirivu ku ndwadde eziyinza okuva ku kumansa ppampa

ABATUUZE b'e Wakaliga Zzooni VII beeraliikirivu nti baandifuna endwadde eziva ku bucaafu bwa ppampa z'abaana abazadde ze basuulasuula buli we basanze. Baagala Gavumenti ebeeko ky'ekola bwe baba baakuwona endwadde.

Okulaajana kuno, kwakoleddwa amyuka Ssentebe waabwe, Edward Bukko eyategeezezza nti kibasusseeko ekya Ppampa ze yagambye nti zifuuse ssaanya w'ekitundu ky'akulembera.

Ono agamba nti buli w'otunula z'otuusizaako eriiso nga zituuse n'okubeenyinyaza. Yategeezezza nti zino zibuliddwako ekifo ekirambulukufu we zinaakumibwa. Yagasseeko nti abazadde batuuka n'okuzisuula mu kaabuyonjo nga ne bwe kituuka ku ky'okuzirongoosa (kaabuyonjo) oluusi zisigala awo tezitwalibwa.

Yannyonnyodde nti batandise n'okuzisuula mu myala ekivuddeko okuzibikira olwo amazzi ne ganjaala wonna ekyongedde amataba mu kitundu kyabwe.

Bukko alina ekirowoozo nti singa Gavumenti ebazimbira waakiri ebifo ebitongole nga bya Pampa zokka nga basobola okuzookya oba oli awo kijja kubataasa ku bujama mu kitundu kyabwe n'okwetoloola Uganda yonna.

Yennyamidde ne ku ky'abazadde abatamanyi nkwata yaazo nnungamu nga bamala gazimansa buli we basanze. Yawadde ekiragiro nti gwe banaakwata waakikufuuwa ng'akizza munda kuba bassaawo dda etteeka okuzikuumira mu bikutiya waakiri abatwala kasasiro bazitwalire omwo.

Joan Ayeza nga muzadde yagambye nti ekya ppampa kyo kizibu, kuba tosobola kuzookya. Yagambye nti zirimu ebintu ebyafaanaanyiriza bbalaafu nga kizibu kya kuzookya. Yannyonnyodde nti kale singa kabadde kaveera, kyandibadde kyangu okwokebwa.

Ayagala Gavumenti ebazimbire ekifo eky'enjawulo we basobola okuzikuumira kuba oba nga kinnya baziziikire omwo naye nga nabo zibalemeredde ate nga kizibu kya kubeerawo nga tebazikozesezza.

Bukko era yennyamidde ku batuuze abamansa kasasiro w'ebiveera mu mu myala ekigiviiriddeko okuzibikira. Ono agamba nti waliwo abatuuze abawa abantu ssente ne bagera ng'enkuba etonnye ne bakasuka kasasiro mu myala ate abalala bamusuula mu mpya za bannaabwe n'abasaba okukikomya nga tebannakwatibwa kuvunaanibwa.

PETER SSUUNA



Ssentebe Edward Bukko ng'alaga ppampa abazadde ze basuula.

## Abantu kye bagamba

**Joan Ayeza: Tusaba abakulembeze batufunire ekifo ekituufu we tukuumira ppampa zino kuba naffe zituzibuwalira okukuuma kuba abakasasiro balwawo okumutwala.**

**Tonny Nakibinge: Ndowooza abatuuze twalyekozeemu omulimu ne tuba n'obuvunaanyizibwa obwenkomereddde okutereka obulungi kasasiro ono.**



**Godfrey Mpagi: Ffe ng'abakulembeze tulina obuvunaanyizibwa okukuuma ekitundu nga kiyonjo kyokka abatuuze oluusi tebafaayo nga ky'omugaana ky'addamu.**